# Okugema/okutta enjoka mu mbuzi n'endiga nga tweyambisa eddagala ly'ekinansi.

Embuzi n'endiga zikumibwa olw'ennyama, amata, amaliba n'ebyoya by'endiga.Okulumbibwa kw'njoka kizibu kyamanyi era kisosa enkula n'omtindo gw'amaliba.Enjoka bw'ezisuka nga endabirira si nungi, ensol0 zisobola n'okufa.Embuzi ezirina enjoka tezirya bulungi ate neera okudukana kwandizita. Embuzi oba Endiga endwadde tezitebagana nnyo nazinazo, tezeyagala nate era zifuluma obusa ngamulimu enjoka

## obubonero n'engeri jezilwala mu enjoka

Okuzimba kw'olubuto n'okudukana nga mulimu obwoka obwelu obutono n'0lusu. Okukoga, okuzimba kw'olubuto bwe bubonero bw'okulumbibwa kw'enjoka.Enjoka enyunyusi ziletebwa eby'obulamu ebitali biyonjo,amazzi amakyafu n'ebifo eby'alumbibwa edda enjoka. Enjoka okuva mu nsolo endwadde/enkonyera, zisigibwa/zibuna ensolo enamu nga zigenze okulya nga ziva ku bikoola neku mudo. Nate ela ensolo enamu zandikwatibwa enjoka okuva mukifo mwezisula nadala nga endwadde ne namu nga zisula wamu.

## Okuteekateeka kw'edagala ly'enjoka

Okulumbibwa kw'enjoka kusobola okwewalibwa oba okuwonyezebwa ebimela by'obutonde(dewormers)Tabula neemu,omuti oguyitibya chinese chase/vitex negundo n'ekigagi mukipimo ekyenkanankana. Gatamu amazzi amatonotono ela osile wamu okukola oluvutu.

Okuziyiza:Wa eddagala ly'enjoka omulundi gumu mu mwezi esaatu okuziyiza okukozebwa kw'enjoka. Wa embuzi n'endiga edagala ly'enjoka nga tezinalumbibwa njoka.Okuwa ensolo edagala nga tezinalya kiyamba edagala okukola obulungi.

## Ekipiimo

Ejjiko emu eyedagala emala embuzi n‘endiga ezitanawezza mwezi esaatu.Ekitundu ky‘ekikopo kimala embuzi n‘endiga enkulu omulundi gumu mu mwezi esaatu. Kozesa edagala elikenenudya obutasuka nakubiiri.

## Entereka

kuma edagala mu kikebe ekitayingiza mpewo.Kebela obusa bwensolo nga zimazze okuwebwa edagala ly‘enjoka ela bw‘ozirabamu damu otabule edagala buto. Edagala telirina buvune bwona eri ensolo,lwangu okuziwa nateera lya layiisi okulikola.Togezanga okuwa ensolo eziri olubuto edagala ly‘enjoka kubanga kyandizivirako okuvamu egwako.Liisa ensolo nga zimaze okuwebwa edagala ly‘enjoka okuzikuma nga zamanyi ate ela nga namu.